# ST APOLLO KIVEBULAAYA
# KANSANGA CHURCH OF UGANDA
## NAOME MINISTRY REPORT 2024

Omusumba
Ababuulizi
Omukubiriza
Abakulu abatuula ku Kakiiko akafuzi (Executive Council)

Ba Ssebo ne ba Nnyabo,

**RE: Report okuva mu Naome Ministry**

Mbalamusiza mu linnya lya Mukama waffe. Mbebaza obuwereza obwenjawulo bwemukola mu Kkanisa yaffe. Mukama waffe yebazibwe.

**Membership**

Abakyaala bawera amakumi abiri mu bataano (25) mu Kkanisa yaffe. Kyoka nga waliwo abatanaba kuyingira. Bonna bwebaba batwegaseeko tusobola okuwela nga amakumi asatu (30).

**Naome Ministry Executive, Kansanga Parish**

| | |
|---|---|
| Chairperson: | Dr. Beatrice Sekabembe |
| Vice Chairperson: | Mrs. Margaret Ojiambo |
| Secretary: | Mrs. Rosette Mabirizi / Mrs. Margaret Semugooma |
| Treasurer: | Mrs. Sarah Mugerwa / Mrs. Sarah Lubuulwa |
| Publicity: | Mrs. Alice Nakanjako |
| Health: | Mrs. Florence Zaake |
| Music/Sports: | Mrs. Sarah Wabbi |
| Develpoment: | Mrs. Deborah Kizito, Mrs. Loe Nteyafa ne Mrs. Sarah Kiggundu |
| Mission: | Mrs. Sarah Kiggundu |

**Ebigendererwa by'ekibiina kya Naome**

- Okunyweza okukkirizza kwaffe nga tuyita mu kubuulira enjiri n'okugoberera ebilubirirwa mu kibiina ekibuulira enjiri (Mission Department)

- Okuyambagana mu biseera ebisomooza naddala okusitula banaffe mu mbeera yonna
- Okwekulakulanya okusobola okutwala obulamu bwaffe, abaana, n'amaka gaffe mu maaso nga tuyita mu projects ez'okwekulakulanya

**Entandikwa:**
Twebaza Katonda nti ekibiina kya Naome kyeyongedde okufuna amaanyi mu Kkanisa yaffe. Era kituzaamu amaanyi Omwawule ne bawereza banne bwebatufisiza ku budde nebakung'aanako naffe.

## Ebikoleddwa (Activities)

**Okukung'ana:**
Tukung'aana omulundi gumu mu mwezi ku lunaku lwa Thursday. Wabula bwewabeerawo ebyokola tusobola okukung'aana emirundi egiwerako. Okusooka twali tukung'aana ku Saturday akawungeezi naye olunaku twalukyuusa olw'okuba ba memba abasiinga lwabakalubiriranga olw'ensonga ez'enjawulo.

**Seminars:**
Twafunayo omusomo okuva mu Stanbic Bank era twasomesebwa engeri gyetusobola okweyambisa Bank eyo mu by'okwekulakulanya nga abakyaala.

**Projects:**
Twatandika okukola sabuuni w'amazzi (liquid soap). Nga 14/01/2024 sabuuni waffe twamwolesa mu butongole (launching) mu kkanisa yaffe. Kyatuzaamu nnyo amaanyi kubanga sabuuni abakristaayo bamugula nnyo era kyatuyamba okufunayo ku nsimbi ezituyambye okutwala project eyo mu maaso. Okuva olwo sabuuni tumutunda era abeerawo ku Kkanisa buli Sunday eri abo ababeera bamwetaaga.

Twaggulawo Bank Account ey'ekiseera (temporary account) olw'okukuma obulungi ensimbi za project zetwakafunawo. Nga tukolagana ne Rev. Alex Kyobe, tutekateeka okuggulawo Bank Account nga ekibiina kya Naome Kansanga nga tuyita mu mitendera nga bwegirambikiddwa mu bulabirizi bwe Namirembe. Amangu ddala nga tumaze okuggulawo account eyo, Bank Account ey'ekiseera tugenda kugiggalawo.

## Ebisomooza (Challenges)

1. Mu busabadikoni bwaffe e Luzira, ekibiina kya Naome tekirina publicity emala. Era emikolo gye kkanisa bwebaba boogera ku bitongole, Naome tayogerwaako. Tulinga abataliiwo.

2. Projects: Wewawo abakristayo bagula sabuuni waffe, naye twetaaga akatale akasingako awo tusobole okumukola mu bungi.

3. Ekifo Wetukolera: Okukola sabuuni kyetagisa ekifo ekigazi wetusobola okutereka ebintu byetukozesa awamu ne sabuuni atundibwa. Twasaba Choir okutwazika ku kifo kyaabwe tukoleremu era tuterekem ebyaffe. Era twebaza nnyo Choir kubanga batukkiriza okukozesa ekifo ekyo. Ekituufu kiri nti tubanyigiriza nnyo. Tusaba n'obuwombeefu ensonga eyo ekolebweeko tusobole okufuna wetukolera awamu n'okukuuma ebyaffe.

4. Ensimbi okutuukiriza byonna byetwetaaga okukola naddala okutandikawo projects endala.

**Ebirubirirwa Okola**

1. Projects

Tusuubira okutandikawo projects endala ez'awamu zetusuubira okufunamu ensimbi okukulakulanya ekibiina kyaffe. Abakulira ebya development mu kiseera kino bakyanonyereza ebirala ebisobola okukolebwa awamu.

2. Get-Together

Nga 23/6/2024 tusuubira nate okukuza olunanku lwa **International Widows Day**. Okukuung'aana ko mu ssanyu kirungi era ba member kibazaamu nnyo amaanyi singa kiba kisobose.

3. Okubuulira enjiri

Nga bwekiri mu bitongole by'ekkanisa ebirala, aba Naome Ministry nabo bagala okufunayo olunaku nga bo bebawereza mu kusaba.

4. Site visits / Tours

Tusuubira okutegekayo tours ezirimu ebyokuyiga n'okwesanyusaamu singa tufunayo ku nsimbi.

**Ebyetaagisa**

1. Ekifo wetusobola okudukanyiza emirimu gyaffe egya sabuuni era n'okutereka sabuuni gwetuba tukoze. Okwo kwogatta ne projects endala ezinaba zitandikiddwa.
2. Obuwagizi naddala okuva mu bakulu be Kkanisa ku mitendera gyonna olw'okuzaamu ba memba amaanyi.

Mbagaliza obuwereza obulungi nga Mukama ye Mubeezi waffe.

Dr. Beatrice Sekabembe
Chaiperson, Naome Ministry.
6 April 2024.